# Palamenti eyisizza ssente z'okutegeka okulonda kwa LC n'empaka za AFCON

Bya TEOPISTA NAKAMYA

PALAMENTI eyisizza bajeti y'ennyongereza ya buwumbi 1,105 nga yayanjuddwa minisita omubeezi ow'ebyensimbi, Henry Musasizi eggulo.

- Ku ssente ezaayisiddwa, obuwumbi 60 za kukola ku kuteekerateekera okulayira kw'omukulembeze w'eggwanga.

Ekiteeso ekisemba Palamenti okuwagira bajeti y'ennyongereza eno kyaleeteddwa omubaka Fox Odoi (West Budama North East) eyayongerezza ku bigambo bya minisita nti, waliwo obwetaavu, Bannayuganda okulonda abakulembeze b'ebyalo okufuna obuweereza.

Musasizi yasoose kutegeeza nti, okulonda kwa bassentebe kuzze kwongezebwayo buli kaseera so nga eddembe lya Bannayuganda ery'okulonda bassentebe baabwe lisaanye okuteekebwamu ekitiibwa.

- Obuwumbi 56 n'obukadde 950 yagambye bwe bwetaagisa okulaba ng'ekitongole ekivunaanyizibwa ku by'okulonda mu ggwanga kitegeka akalulu kano.
- Bajeti y'ennyongereza eno erimu obuwumbi 110 obw'ekitongole kya poliisi okwongera okunyweza eby'okwerinda.
- Obuwumbi 40 za kugenda ku musaala gw'abasawo mu malwaliro ag'enjawulo okuli erya Butabika, Arua, Fort Portal, Gulu, Hoima, Jinja, Kabale, Masaka, Soroti, Lira, Mbarara regional referral hospital, Mubende, Naggulu, Mulago (ery'abakyala) n'amalala.
- Obuwumbi 72 zigenda kutambuza pulogulamu ey'okukulaakulanya abakyala eya GROW, obuwumbi bubiri n'ekitundu zaakugabanyizibwa mu bibuga, disitulikiti ne munisipaali ezaakung'aanya omusolo omungi okwongera okwekulaakulanya.
- Ez'okuganyulwa kuliko; Arua city, Jinja city, Lira city, Mbale, Agago, Buhweju, Bushenyi, Kaliro, Kasese, Kyegegwa, Kyenjojo, Mitoma, Nakasongola, Namisindwa, Rubanda, Rubirizi, Tororo, Sironko.
- Mu bajeti eno era muteereddwaamu ssente ezigenda okukozesebwa okuteekateera empaka z'omupiira gwa AFCON 2027 okulaba ng'ebisaawe ebyemulugunyizibwako biteereezebwa.